EMMANUEL SEKAGGO

Yiiya Ssente

# EBISAANYIZO BY'OLINA OKUBA NABYO OKUGUZA AMASOMERO EBINTU



Joseph Agaba ng'alaga engatto z'abayizi z'akola.

NGA bwe tuzze tukulaga bizinensi ez'enjawulo ezitambula mu kiseera ky'okuzzaayo abayizi ku masomero, leero tukuleetedde ebyetaagisa ayagala okulya ku ssente za bizinensi zino byateekeddwa okumanya bw'abeera ayagala okuguza essomero ebintu.

MOSES KIGONGO yatuukiridde abasuubuzi abatera okuguza amasomero ebintu, abakulira amasomero n'amatendekero ag'enjauwlo n'abakugu mu nsonga za bizinensi, ne bamulaga ebisaanyizo ayagala okuguza amasomero ebintu by'ateekeddwa okuba nabyo :

### EBISAANYIZO N'EBINTU BY'OTEEKEDDWA OKUKOLA

- Sanctus Atuha, akulira akakiiko akakulira Bugema University ebintu eby'enjawulo, yalaze abaagala okuguza amatendekero n'amasomero ebintu n'okugawa empeereza ez'enjawulo ebisaanyizo bye bateekeddwa okuba nabyo.

Mu bimu ku bisaanyizo bino mulimu; okubeera ne bizinensi empandiise mu mateeka, okubeera ne satifikeeti eraga nti, osasula emisolo gya gavumenti, oteekeddwa okuba ne layisinsi ekukkiriza okukola bizinensi mu ggwanga, ebiwandiiko ebirala nti, ebintu by'otunda bituukana n'omutindo ogukkirizibwa n'ebirala omuli; okubeera ne akawunti mu bbanka, okulaga emiwendo egisikiriza, okulaga w'ojja ebintu n'ebirala.


Ku ky'okubeera ne bizinensi empandiise, yalaze nti, amasomero gakolagana ne bizinensi empandiise mu mateeka zokka, okwewala abafere abatera okwerimbika mu kifaanaanyi ky'obusuubuzi okubba ssente z'amasomero.



Abamu ku bakuba obuwunga obuyinza okutundibwa ku masomero.

- Mu bintu ebirala bye tutunuulira, mulimu okubeera ne layisinsi ekukkiriza okukola bizinensi mu ggwanga kubanga tetwagala kukolagana ne bizinensi ezimenya amateeka ga gavumenti," bwatyo Atuha, bwe yawabudde abaagala okulya ku ssente z'okuguza amasomero ebikozesebwa n'empeereza ez'enjawulo.
- Okusinziira ku Atuha, ayagala okulya ku ssente z'amasomero alina okubeera ne satifikeeti eraga nti, asasula emisolo gya gavumenti okwewala embeera y'okufiirizibwa nga bazinensi ye bagiggaddewo olw'obutasasula misolo.

"Buli lwe tukola naawe endagaano, tubeera tukusuubira okutuguza ebintu ppaka lw'eneggwaako, so si kukeera ku makya nga bizinensi yo bagiggaddewo olw'obutasasula misolo," bwatyo Atuha bwe yategeezeza.



Atuha, akulira akakiiko akagula ebintu ku yunivasite y'e Bugema.

### ABALINA AMASOMERO ABALALA NABO BALAZE EBYETAAGISA

Thadius Musoke, akulira amasomero ga Mpoma okuli; Mpoma Royal College ne Mpoma Junior Primary School e Mukono, agamba nti:

- Ekisookera ddala, olina okuwandiikira essomero ebbaluwa esaba okubaguza ebintu n'olaga n'ebbeeyi kw'onoobitundira kubanga kiwa ekifaananyi ky'omuntu gwe bagenda okukolagana naye.
- Olina okubeera nga bizinensi wagiwandiisa nga kkampuni olw'okubanga amasomero tegakolagana na muntu ssekinnoomu okukola bizinensi, wabula kkampuni. N'olwekyo abaagala okulya ku ssente z'okuwa amasomero empeereza, bateekeddwa okutuukiriza akakwakkulizo kano.

"Bw'oba otunda byakulya, tukwagaza satifikeeti okuva mu kitongole ekirondoola omutindo mu ggwanga ekya 'Uganda National Bureau of Standards - UNBS', okukakasa nti, by'otunda bituukiriza omutindo ogwetaagibwa mu ggwanga," Musoke bwe yalaze.

- Ab'amasomero era baalaze ebintu ebirala omuli; okulaga siteetimenti ya bbanka okubakakasa nti; olina obusobozi bw'okusigala ng'obaguza ebintu, wadde nga banaabeera tebannakusasula ssente z'obanja.

Bw'ebeera bizinensi ya kuzimba, kkampuni eteekeddwa okuwaayo ebiwandiiko ebiraga ebizimbe bye yali ezimbyeeko, ekika kya bayinginiya b'erina, obuyigirize bwabwe n'ebirala okuli, ebbaluwa ne satifikeeti okuva mu bitongole ebifuga omulimu guno mu ggwanga.

### ABATERA OKUGUZA AMASOMERO EBINTU NABO BOOGEDDE

Muhammad Ssemwanga, omu ku batera okuguza amasomero okuli; Kasawo S.S, Kangulumira S. S, St. Peters e Nsambya n'amalala, ebyokulya, yalaze ebisaanyizo omuli;

- Okulaga sitoowa awaterekebwa ebintu ebitundibwa mu masomero, obusobozi bw'okutuukiriza endagaano ebeera ekuweereddwa, omutindo, obugumiikiriza n'okukkiriza okutunda ebintu ku bbeeyi y'emu wadde ng'oluusi wabeerawo enkyukakyuka mu katale.
- Ekikulu ky'olina okumanya nga tonnatandika kuteesa na masomero okubeerako empeereza z'ogawa, kwe kubeera nti, buli kintu ky'oyagala okugaguza, kibeera n'endagaano ey'enjawulo ku kirala.

"Okugeza, bw'obeera ng'otunda byakulya, endagaano yaabyo ekyukamu ku y'empeereza endala omuli; obuzimbi oba okugaguza ebikozesebwa mu maduuka agookesaamu empapula n'okutunda ebikozesebwa mu masomero ng'ebitabo, ekkalaamu n'ebirala," Ssemwanga bwe yategeezezza.

"Ekikulu mu ndagaano y'ebyokulya, ye satifikeeti eraga omutindo n'ebbeeyi yaabyo, kyokka ey'okuzimba, kwe kubeera ne ttiimu y'abakugu ennungi," bwatyo Ssemwnaga bwe yakkaatirizza.

Yawabudde nti, ne bw'obeera n'ebyuma eby'omulembe era n'osala ebbeeyi y'okuzimba kyokka nga tolina bayinginiya batuufu, amasomero tegasobola kukuwa kontulakiti ya kubazimbira bizimbe byabwe kubanga batya okugwa bikose ababyeyambisa. N'olwekyo, kirungi okumanya ekika ky'endagaano gy'okola n'essomero kubanga ezisinga zisinziira ku kika kya bizinensi gy'okola.